# URA etulage ebika by'omusolo okwassibwa ekisonyiwo ekiggwaako June 30, 2026

BULI Lwakusatu, akulira ekitongole ekiwooza emisolo ekya URA ayanukula ebibuuzo byammwe ku nsonga ezitali zimu. Ebibuuzo abyanukula ng'ayita mu lupapula lwo olwa ***Bukedde***. Weereza ekibuuzo kyo ku nsonga yonna ku misolo n'obusuubuzi ku nnamba eno, **0701625460** byonna ajja kubyanukula.


Abakola mu ofiisi nga bano baggyibwako omusolo gwa PAYE nga gwe gumu ku gwassibwako ekisonyiwo.

**Ekisonyiwo ku musolo ekyogerwako ennaku zino kikwata ku ki?**

Ekisonyiwo kino kiri mu kitundu 47B mu tteeka erirung'amya enkung'aanya y'omusolo nga wano omuwi w'omusolo asonyiyiibwa amagoba n'engassi ku musolo ogumubanjibwa okutuuka nga June 30, 2024 ssinga asasula omusolo ogwo nga June 30, 2026 terunnayita.

Guno mukisa gwa njawulo okusasula omusolo ogukubanjibwa nga toyongeddwaako kazito ka magoba n'engassi, okukusobozesa okutandika obupya mu lugendo lwo olw'okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwo ku musolo.

**Bika bya musolo ki ebiteereddwaako ekisonyiwo kino?**

Emisolo okwassiddwa ekisonyiwo kino gy'egyo egiwoozebwa munda mu ggwanga okuli:

- Omusolo ku nnyingiza ya bizinensi (Income tax)
- Omusolo oguggyibwa ku misaala gy'abakozi (PAYE)
- Omusolo gwa VAT
- Omusolo gwa Stamp Duty
- Omusolo gwa Local Excise Duty
- Omusolo oguggyibwa ku nnyingiza y'ebipangisibwa (Rental Income Tax)
- Omusolo ogusasulwa abali mu bizinensi ya zzaala n'emirala.

**Ekisonyiwo kino kikola kitya mu mbeera eya bulijjo?**

Katukozese ekyokulabirako; nga weeyazise essuuti y'omukolo, kyokka ne weerabira okugizzaayo mu budde obwakuweebwa. Oluvannyuma, ne wabaawo engassi ekussiddwaako olw'obutagizzaayo mu budde.

Wano, edduuka eryagikwazika ne bayingira mu nteeseganya naawe; nga bw'ozzaayo essuuti yaabwe ng'omwaka tegunnaggwaako, bakusonyiwa engassi eba yateekebwawo. Kino kifaanaganako n'ekitundu 47B. Bw'osasula omusolo ogukubanjibwa okutuuka nga June 30, 2024 nga June 30, 2026 terunnayita, URA yaakusonyiwa amagoba n'engassi ku musolo.


**Waliwo engassi n'amagoba ebitasonyiyiddwa bawi ba musolo?**

Yee. Ekisonyiwo ku magoba n'engassi mu kitundu 47B tekitwaliramu:

- Musolo ku byamaguzi ebiyingizibwa eggwanga (ogwa Kasitomu)
- Obutakozesa nkola ya EFRIS
- Obutakozesa nkola ya DTS
- Engassi y'okulemererwa okwewandiisa ku musolo mu budde
- Engassi n'amagoba kkooti bye yassa ku muwi w'omusolo.

Engassi n'amagoba ebiri mu ttuluba lino zaakusigala nga zibanjibwa ne bw'onooba ng'osasudde omusolo ogukubanjibwa nga June 30, 2026 terunnayita. Noolwekyo, kikulu nnyo okumanya ekisonyiwo we kyassiddwa ne we kitassiddwa.

## BUUZA KAMISONA


Akulira URA, Musinguzi.

**Ssinga nsasula omusolo ogumanjibwa mu bitundutundu nga nsalessale tannayita, ekisonyiwo kino nkifuna ntya?**


Bw'osasula ekitundu ku musolo ogukubanjibwa nga 30 June 2026 terunnayita, amagoba n'engassi ebikwatagana n'omusolo gw'osasudde bya kukusonyiyibwa okusinziira ku bungi bw'omusolo gw'osasudde.

Okugeza, ssinga osasula ebitundu 50 ku 100 (50%) eby'omusolo ogukubanjibwa, ebitundu 50 ku 100 (50%) eby'amagoba n'engassi byakukusonyiyibwa. Bw'osasula omusolo gwonna ogukubanjibwa nga bwe kirambikiddwa waggulu, amagoba n'engassi byonna byakukusonyiyibwa.

## Lwaki Gavumenti etaddewo ekisonyiwo kino?

**Lwaki Gavumenti ya Uganda etaddewo ekisonyiwo kino?**

Gavumenti ya Uganda emanyi okusoomoozebwa abawi b'omusolo kwe bayitamu, kwe kussaawo ekisonyiwo kino ng'akasiimo eri abo abanaasasula omusolo nga nsalessale tannayita. Mu mbeera y'emu, eno y'engeri y'okusikiriza abawi b'omusolo okusasula omusolo ogubabanjibwa beewale okubeera ku bunkenke bw'okwetuumako amagoba n'engassi. Kozesa omukisa guno, olwo Gavumenti ekusonyiwe amagoba n'engassi.



**Waliwo nsalessale w'ekisonyiwo kino?**

Nsalessale w'okusasula omusolo ogukubanjibwa wa nga June 30, 2026, nga bw'okola kino, osonyiyibwa amagoba n'engassi ku musolo ogukubanjibwa. Tokkiriza mukisa guno kukuyitako.

## Nkebera ntya oba ndi mu abo ab'okuganyulwa mu kisonyiwo?

**Nkebera ntya ebikwata ku musolo okumanya oba nga ndi mw'abo abookuganyulwa mu kisonyiwo kino? Era nteeera ntya omusolo ogummanjibwa?**

Okumanya omusolo ogukubanjibwa n'okumanya oba otuukiriza obukwakkulizo bw'okufuna ekisonyiwo kino, kyalira ekibanja kya URA ku www.ura.go.ug, oyingire akawunti yo eya TIN. Ng'oyingidde mu akawunti yo, nyiga ku 'Reports', onyige ku 'Tax Statement' olwo onyige 'Submit' okulaba omusolo ogukubanjibwa nga kw'otadde amagoba n'engassi.

Bw'oba oyagadde, osobola okufuna akapapula kw'osasulira omusolo ng'olondako 'Payment' wansi wa 'e-Services' olondeko DT nga 'Payment Type', olondeko ekiseera mw'osasulira omusolo nga 'Period before July 2021', olwo olondeko 'Tax Head' okebere 'Paid Fully'. Mu biseera oluvannyuma lwa July 2021, nyiga 'Account payment', olondeko 'Tax type', 'Fetch Outstanding', olwo onyige ku 'Show Period-wise Break-up' okulaba omusolo ogukubanjibwa mu biseera eby'enjawulo.

Bw'osangamu obutakwatagana mu ledger yo, tuukirira URA bunnambiro oyambibwe.

**Kiki ekinaabaawo ssinga sisasula musolo gummanjibwa nga June 30, 2026 terunnayita?**

Bw'olemererwa okusasula omusolo ogukubanjibwa nga nsalessale tannayita, ekisonyiwo kino kijja kuba tekikyakola, era wano kijja kuba kikukakatako okusasula omusolo ogukubanjiba nga kw'otadde amagoba n'engassi. Weetaaga okusitukiramu bunnambiro okwewala kino.

**Nsobola ntya okuyambibwa ssinga nneetaaga okumanya ebisingawo ku kisonyiwo kino?**

Osobola okutuukirira URA n'oyambibwa ng'oyita ku mikutu egy'enjawulo; Ennamba z'essimu ezitasasulirwa (0800117000 oba 0800217000) n'omukutu gwa WhatsApp ku nnamba 0772140000. Osobola n'okukyalira ofiisi ekola ku nsonga z'omusolo n'oyambibwa.